# EBISOKO MU SENTENSI

1. Nali nkyatudde awo gye nakuba ………....nga maama ono ne nsanyuka (amaaso)
2. Mazima ddala omusajja gwe yayanjudde tayisikamu……(maaso)
3. Ndeka maama nze ndi ……..nga nkumbi sirina wannuma era abo ababadde balowooza nti sisobola kutambula beerimbye(mulamu)
4. Mwattu situkiramu ogende osabe omulimu gwe baakulagiridde ate akutemyako oyagala wa……..(mbazzi)
5. Kyokka omusajja oyo busa bwa…….. kale laba bwe yeefulidde munne(mbogo)
6. Ffenna twadduka za…..twerabire ku muva bulaaya (mbwa)
7. Ekyali ku mbaga ya ssonko kyali kinyeenya……(magi)
8. Kirimuttu yanoonya emirimu n'obwoya ne bumuggwa ku …(ntumbwe)
9. Yawasa akakazi ka mumpi awunya………..era tayagala kutambula nako (ttaka)
10. Yeewerera okwokyera abantu mu nsiisira era akataayi tekaasala na ……….ng'ensiisirta ya Pawulo etuntumuka (kkubo)
11. Omusajja oyo ensimbi zalina zitotoogana nga……….(bukolwa)
12. Bwenamugamba anzirize olugoye lwe nnamwaziika yabuuka……… nga bw'agamba nti si lumuwanga( enswa)
13. Ensuku za Bannabuddu zonna zaakula era kati ba kaaba…….nga ntulege tebalina kyakulya (twawa)
14. Yatumalako ebyewungula bwe yatwegaana nti tatumanyi anti ne twasaamirira ng'abagabanye……..(ebikaawa)
15. Omwana ansobedde ndowooza mukazi muyima y'amutulidde ku……(kisaabo)
16. Mwana wattu sirikirirako, lwaki oyogera nga gwe basaala……… (akanyata)
17. Munnange nno okunkuba olugulidde ku……..era onnekubidde (ppata)
18. Agasajja agabadde gatutigomya baagagombyemu……… omuntu anaafuna obuweerero (obwala)
19. Ssengaawo yangwa…….. buli lwe nzijja wano simusangawo (kkono)
20. Mukadde wange leka kweruma……… nze kankunyumize nga bwe byabadde (lulimi)
21. Zaagenda okuweera essaawa ebbiri ffe nga twagobye dda ……….tuli ku mwanjo (bumale)
22. Ewuwe nnalwayo nnyo ne tunyumya nnyo emboozi n' ………. Amakerenda (egwa)
23. Mukama waffe emirimu gy'alina miyitirivu era gimukoma mu ………(bulago)
24. Ono gw'olaba ye muganda wange ankombera ddala………. Ku mabega era gwe mbeera naye( enziro )
25. Baasanga ekiswa kyabusse dda nga bakyusa……………….kudda ka kwebaka (buufu)
26. Mwoyo gwamudda mu……………………bwe yawulira nti nali mpise ebibuuzo ate nga nabikola ndi mulwadde(nteeko)
27. Wayita…………………….olunaku mulindwa nelutuka wamma netwetala(mbale)
28. Mutabani we bweyagenda okusoma e Bulaaya yafiira yo era …………….. linnya(bazza)
29. Ekyanziggya ………………. Ku mutwe kwekusanga nga Nalule yasoba dda so nga yali tannamala misomo gye (enviiri)
30. Oyo omwana takyatunyega kigambo era bw'atusanga ……………..kkuutwe(atuyitako)
31. Omubbi gweyasanga mu nnimiro ye yamukuba n'asigala mu …era baagenda okumuggyawo ng'ali bubi (kkubiro)

32. Ekyali ku mbaga eri kyali ………………… magi anti abantu bannyumirwa nnyo era abasinga baddayo nkeera (kinyeenya)

33. Bulijo mmugamba okumpa ssente zange ng'alowooza nti nsika ………………leero nno, ajja ku zimpa(binyomo)

34. Musoke takuba mupiira …………………….. bye bigwa(bitooke)

35. Yawalaza nga nnyo …………………… nga bamugaana okutambula ekiro are okukkakkana ng'agudde mu batemu.(empaka)

36. Tujja……………………ne bwe kinaaba kitegeeza kugenda mu kkooti nja ku bissaamu ………………(ku birinnyamu eggere, engato)

37. Kangira mmussa………………… naye bwe nadda anandaba…………….era sijja kumukkiriza kuyingira mu nju (akasiiso, akanfaamu)

38. Luliba lumu ne twolekaganya…………………..ate ggwe osuubira nti aligumaza……….luliba olwo ne mmusanga ne bwa dduka atya .(obwanga, mbiro)

39. Wenatuukidde nga nzenna omutima gundi ku……………… era tabeera ……………… mu mutima nansonyiwa simanyi gye nandizze (mutwe, kwe kuba)

40. Olw'okuba obudde bwali bumuliiridde ow'e …………..yamalawo akaseera katono n'asiibula kubanga bwali bugenze nnyo (Jjokolera)

41. Kitaawe yagenda………………. Olw' e Kaganga nga talaamye era ebintu by'omufu byona baalwanira birwanire (okuserengeta)

42. Kibuuka bwe baamuyitira omulimu ku kibuga……………. Yabinyika mu nsuwa n'agenda (ebyayi)

43. Ebigambo bye baamubuulirira…………….muguluka era bwatyo n'agwa mu mitawaana kubanga teyabigoberera (yabisuula)

44. Ebibuuzo bye twakola kwali kuyisa……………..mu kisero anti byonna twabiyita (mukka)

45. Omulwadde waffe namusanze ng'atuddeko awo era ndowooza kati agenda …………..olungubanguba (addamu)

46. Kyobe bwe baamugamba nti muto we afunye akabenje yagenda n'ekisubi ku ……………….(liiso)

47. Baamubuuzizza ekyali kimubbisizza ssente za nnyina ng'amatama…………………(ntengo)

48. Ekyali e Namboole ku mbuutu ye mbuutikizi ………………..omukombi (kyabula)

49. Bwe twawulira enduulu twayambalira ku mugongo nga……………….ne tugenda tulabe bwe gubadde( nswa)

50. Yalaba buli gwe batwala e puliisi bassa mu kaduukulu ko ye nti wano wafiira……………(muloge)

51. Yogera mpola talwa kutuwuulira entegeka zaffe n'azirinnyamu…………………era bwe zityo ne zifa (eggere)
52. Baakanda ku mubuuza gy'ava ngabutise matama nga nnyinimu…………..(abba)
53. Omukazi gwe yawasa yali mubi ng'akutuza n'……………..ku ttale(endiga)
54. Yagenda okudda eka ng'atamidde nnyo era nga n'olulimi alinnyamu……………(lulinnye)
55. Okunyiiza omukulu w'essomero tuba tweyokeredde …………………… kubula kye tutuuza(mukira)
56. Mpulira nti omukwano gwabwe gweyongera mu maaso nga……………………nti banaatera okugattibwa
57. Olwalangirira nti owaabwe y'awangudde ne nkulabira bwe beetala nga……………..omunyageko ento (Namuttale)
58. Mwana mulenzi oyo yakuza mutwe nga ……………….kuba buli ky'omugamba okukola takikola (mmale)
59. Bannakibuga bangi tebalina mirimu bakeera nkya …………..ngalo (kulera)
60. Gye twakyadde twaliddeyo ………………………..kubanga waabadde wala nga tetusobola kuddirawo ku olwo( ekisula)
61. Kintu bwe yakuba nnyina eyali amuweerera ddala yali……………gye gava (agalinnye)
62. Omwana oyo talina mpisa era abantu bonna agenda ……………….amaaso (abayisaamu)
63. Abaana ba Lumbuye abatendese bulungi anti ne bw'atabaawo bonna bakeera …………….kidima (ku kwaza)
64. Omubbi abadde atuteganya leero twamumizizza…………….era bamuziika leero (omusu)
65. Ababadde basuubira okubasasula ensimbi olwa leero babifuuwe mu……………….. anti bbanka yaffe baagigaddewo (ήήombe)
66. Kimuli kati mwavu …………………anti takyalina na ssente gy'alya ( lunkupe)
67. Nagenze okukwata mu nsawo mbu nsasule ssente z'omusajja nakutte mu lya…………… nga sizirabako(mpiki)
68. Omwana oyo mulalu bulala era ne bw'omubuulira otya………………bya mu bulago (omala)
69. Kityo bwe yawulira nga bamunoonya olw'okubba emmere y'abatuuze banne nasibamu…………………. n'adda e Ssingo ((ebyanguwa)
70. Okutyoboola omutanda waffe oba ozizza gwa……………………era buli muganda akukyawa(Nnaggomola)
71. Ekiri e Malaba kifumba……………….anti abakyala abamu batambula bukunya (mutuku)

72. Ku ntujjo ya musomesa waffe ng'awangudde ddiguli ensajja omwengegwali mungi nga n'ow'emmindi ……………(asena)

73. Ogwase leero guzuukusa ne ……………….e Ggangu anti enjuba yonna yeetadde ku ggulu (Kaweekwa)

74. Nnakayiki okutandika okwekabawaza mu by'abalenzi yalya……………… kwesubya muwula kubanga yali anaatera okumaliriza emisomo gye (ggi)

75. Amawulire g'okufa kwa Binaayisa gaatukuba…………………..era bangi kuffe twayoza ku………………..kubanga abasinga baakaabye (enkyukwe, mmunye)

76. Kato okujjerega muzadde we yagalinnya……………era abalala baamwogerako nti yeeyibaala ng'omusimbu……………….kubanga talina lugendo mu nsi nga tewali muzadde(gye gava, atabaala)

77. Waddanga yali ayanjaza amagalo Toomusange n'amulumisa………….era n'akataayi tekaasla nga Waddanga mukalu wa jjo anti yamukuba amasasi (ekivu)

78. Mbu amazaalibwa ga taata gajja kubaawo ku lwomukaaga nange Nakate yambuulidde anti azze wano nabyo nga…………….emimwa(bimwokya)

79. A a naawe leka ku ndya……………………emboozi si ggwe wagitandise (kimuli)

80. Omwogezi bwe yayogedde…………………yalisimbye nnyo ku bukulu bw'okusoma (essira)

81. Abaana b'essomero eryo beeyisa bubi era kye baagala kye bakola anti tewali…………… ku mukono (abakuba)

82. Abayizi bwe baabasuubiza okubawanga eky'emisana ku ssomero nga tebakisasulidde bonna …………………gunteese (bazina)

83. Ebigambo Nambooze bye yayogera nti Lusimbo baali bamusse………………..mutwe na magulu anti yasangiddwa mu katale nga yeegulira kanyama (tebyaliko)

84. Mwe baana mwe muve mu………………. ebijjanjaalo empiso babagambye okulima olubimbi mpozzi nga mwagala kufuuka bamusomo gwalema( kuliisa) oyo ye tawomekamu………………….anti tawoza ne bawoza noolwekyo amuvuddeko akira(mutwe)

85. Twayiikirwa…………….ku mbaga ya Kizito gwe wamma ne tujjagannya (amanzaali)

86. Ensonga kati zirinnye …………engeri omwana gyaganyi okwetonda mutwala mu mbuga z'amateeka (enkandago)

87. Nambi yagudde ku ………………..omwana we ow'emyaka ebiri bwe yabengeyedde mu muliro gwe mmotoka eyasse abantu( kikangabwa)

88. Namuviira mu luyi nva mu…………………nga ndaba anzanyisa buzanyisa ng'omwana omuto(maaso)

89. Okuva lwe nalwala ssenyinga nafuukira ddala mutaka w'e……………anti oli ne bwayogera kati sikyamuwulira (Ddambwe)

90. Nze wantama kwefuulira mu………………nga mbazzi era sikyakuyamba (kiti)
91. Nagenze okutuuka ku mukolo ng'abantu bonna bateredde…………..(bubya)
92. Abaana abeerwisaayo okutuuka mu kiyungu, eky'emisana……………..mu mmindi (bakukirunga)
93. Abaserikale baali tebasobola kugoba Mukajanga ne bamukwata anti yali tadduka………. Mbwa (aweneenya)
94. Omusomesa olwali okuyingira mu kibiina abaana bonna abaali boogera ne basirika be ………….(ccee!)
95. Yamala…………..banne muliro…………okumugoba mu ssomero (kukumamu, ogutaaka)
96. Bwenamanya ng'abantu banaaba bangi ku matikkira g'omutanda kwe kusalawo nkeere ntuule ku……………nsobole okumulaba(mwanjo)
97. Lwe twagenda okulambula ebisolo mu kkuumiro lyabyo Entebbe buli muyizi yasobola okulaba empologoma era nagiggwa……………….(ennyalwe)
98. Naye omulenzi oyo alina…………………gwe omuntu eyakava mu kkomera ate okumugamba nti ye yakubye abaana (olutwe)
99. Omugenyi yatuuse tumaze okulya ate nga maama tayagala ku muwa mawolu kale kwe…………..ag'eminwe( ku musulirawo)
100. Omusajja oyo tayimba ne……………..anti kati era ye muyimbi omukulu mu lubiri(bayimba)
101. Enkuba yennaku zino……………….bufoofofo anti efuuse kattira buli lw'eba etonnye (etutuuza)
102. Mukasa yasimba…………………..n'agaanira ddala okuwa abasajja ebisumuluzo by'emmotoka ye (nakakongo)
103. Twalaba yenna ……………..ng'omwenge omusu ne tumuviira nga tetuusobole busungu bwe (asuukiira)
104. Ekibuuzo kye tukoze kubadde kumenya mu ………………..era tuli baakuyita bulungi( jjenje kkalu)
105. Engoye twazooza ne zitukula bulungi era ne ………………..nga mukene (zitemagana)
106. Twakoowa nnyo era twagenda okutuuka nga n'ey'evviivi……………….(tekyasaka)
107. Enkuba bwe yatandise okuvaamu ………………………ne nnyanulayo emmwanyi za jjajja (obuto)
108. Mwattu otukubye ……………….okutuwa ennyama ensava eti (enkata)
109. Lwe twagenda ewa ssenga………………..engere era twatuuka mangu (twasaawa)

110.Lwe twatuukira ku mbaga ng'eŋŋoma zisindogoma era ng'ekiri awo kifumba…………………(mutuku)